

28<sup>th</sup>/02/2021

## **1 ABASESSALONIKA 3:1-10 - TWATEEKERWAWO KUBONAABONA**

Mu kitundu ky'okusoma kwaffe olwaleero tugenda kulaba nti Okubonaabona, okulaba ennaku, okuyigganyizibwa kitundutundu ku bulamu bw'omukkiriza.

***Makko 10:29-30 - Yesu n'agamba nti Mazima mbagamba nti Tewali eyaleka ennyumba, oba ab'oluganda, oba bannyina, oba nnyina, oba kitaawe, oba abaana, oba ebyalo, ku lwange n'olw'enjiri, ataliweebwa emirundi kikumi mu biro bino ebya kaakano, ennyumba, n'ab'oluganda, ne bannyina ne bannyaabwe, n'abaana, n'ebyalo, n'okuyigganyizibwa; ne mu mirembe egigenda okujja obulamu obutaggwaawo.***

**Vs1-2, 5 Okutumibwa kwa Timoseewo**

**Vs3-4 Twateekerwawo kubonaabona**

**Vs6. Alipoota ya Timoseewo**

**Vs7-10 Essanyu ly'ababuulizi**

**Vs1-2,5 Okutumibwa kwa Timoseewo**

Pawulo yasigala mu Asene naye olw'okwagala kwe yalina eri Abasessaloniika n'atayinza kulinda wabula okutuma Timoseewo muweereza munnaabwe mu Njiri ya Kristo alabe nga bwe baali.

Yamutuma n'ebigendererwa bino;

- i) Okubanyweza mu kukkiriza
- ii) Okubasanyusa olw'okukkiriza kwabwe
- iii) **Vs5** Pawulo yayagala okumanya okukkiriza kwabwe; si kulwa nga bakemebwa ne basuula okukkiriza kwabwe.

**Vs3-4 Twateekebwawo kubonaanabona**

Okunyweza abantu bano mu kukkiriza kwazingiramu okubajjukiza okunywera (obutasagaasagana) mu kiseera oky'okuyigganyizibwa/ eky'okubonaabona kubanga okubonaabona kitundutundu ku bulamu bw'Omukulisitaayo/ omukkiriza.

Era amazima gano gaali g'ababuulirwa kulubereberye.

**Vs6 Alipoota ya Timoseewo**

Timoseewo ng'maze okusisinkana abakkiriza mu Sessaloniika yaddayo mu Asene n'ategeeza Pawulo ne banne ng'Abasessaloniika bwe baali.

Yaleeta ebigambo ebirungi;

- a) Eby'okukkiriza
- b) N'okwagala kw'Abasessaloniika
- c) Okujjukira n'okulumirwa abaweereza

### **Vs7-10 Essanyu ly'ababuulizi**

Pawulo ne bonna beyali nabo baasanyuka olw'amawulire agaava eri Abasessaloniika.

Newaakubadde embeera y'abaweereza yali y'akulaba nnaku na kubonaabona nga baweereza eri Abasessaloniika ne bifo ebirala naye okukukkiriza kw'Abasessaloniika kwabazzaamu amaanyi.

Essanyu eryanyweza ababuulizi mu kubonaabona byali bibala bya kutegana kwabwe nga kwe kukkiriza kw'Abasessaloniika.

Era Pawulo ateggeeza nti obulamu bwabwe ng'ababuulizi kwe kunywera kw'abo ababuuliddwa mu Kristo Yesu.

Essanyu l'ababuulizi bano liri mu maaso ga Katonda. Baayigganyizibwa, baabonaabona naye tebeemulugunyiza Katonda wabula baasaanyuka olw'okukyusibwa kw'abakkiriza.

Era bayongera okusaba Mukama abasobozese okusisinkana Abasessaloniika nate bongere okujjuuliriza (okutuukiriza) ebyo byonna ebyali bikyabulako mu kukkiriza kwabwe.

- Okubonaabona mu bulamu bw'Omukkiriza tekwevalika era kitundutundu ku bulamu bwaffe. Era bwe twesanga nga tuli mu mbeera ez'okubonaabona tetulowooza nti tuliko ekikolimo wabula okubonaabona okumu kuba n'ebigendererwa era nga ne Mukama okumanyi bulungi.

**Okubikkulirwa 2:8-10 - "Era eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Samuna wandiika nti Bw'ati bw'ayogera ow'olubereberye era ow'enkomerero, eyali afudde n'aba omulamu nti Mmanyi okubonaabona kwo n'obwavu bwo (naye oli mugagga), n'okuwoola kw'abo abeeyita Abayudaaya so nga si bo, naye kkuggaaniro lya Setaani.**

***Toty by'ogenda okubonaabona: laba, omulyolyomi oyo agenda okusuula abamu mu mmwe mu kkomera, mukemebwe; era mulibonaabonera ennaku kkumi. Beeranga mwesigwa okutuusa okufa, nange ndikuwa engule ey'obulamu."***

Okubonaabona okujja eri abakkiriza kujjiira mu ngeri ez'enjawulo era olw'okuba nti tuli mu bulamu bw'anjawulo n'ensi, enkola zaffe zoolekanye n'ensi by'ekkiriza kale kyekiva kiba ekizibu okuseeyeya mu bulamu nga bwe twandisuubidde.

- Abamu okubonaabona kuyinza kuva mu b'omumaka gaffe, Yesu yayogera nti

**Matayo 10:36 - “Abalabe b'omuntu banaabanga ba mu nnyumba ye.”**

- Abalala ku mirimo gye tukolera
- Abalala mu Kkanisa mwennyini olumu olw'obutamanya nkwata y'ansonga zetwawukanyamu endowooza.
- Okumu kuva eri ab'amadiini abalina enzikiriza ekontana ne ya Mukama waffe Yesu Kristo.
- Eri abamu mu bulamu obw'abulijjo kubanga tulina okubeera n'omutango gw'obulokozi nga buli lunaku tulina okuwaayo saddaaka okusalawo okugoberera Kristo.

Okubonaabona okujja olw'okuba nti tugoberea Mukama waffe Yesu Kristo emabega waakwo wabaawo eddooboozi erigamba nti **“twegatteko obeere nga ffe”** kale nga bwe tusigala nga tukola okwagala kwa Katonda waba tewakyali kulozalonza wabula okutuyigganya okuleeta okubonaabona.

Kubanga amakubo mwe tutambulira g'anjawulo ku g'abalala (abatakkiriza), tetusobola kuba nga tulina bye tugoba nga by'ebimu kubanga n'ebitusaanyiza okutambulira mu makubo ago nabyo by'anjawulo.

**Matayo 7:13-14 - “Muyingire mu mulyango omufunda: kubanga omulyango mugazi, n'ekkubo eridda mu kuzikirira ddene, n'abo abayitamu bangi.**

***Kubanga omulyango mufunda n'ekkubo eridda mu bulamu lya kanyigo, n'abo abaliraba batono.”***

Ebyo byonna bibaawo kubanga ensi gye tulimu eri wansi w'okugwa okwajja olw'ekibi.

Naye mu byonna tumanye nti Katonda alina obulokozi eri buli omu ku ffe.

**2 Abakkolinso 4:17-18 - “Kubanga okubonaabona kwaffe okuazitowa, okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okutukolera kitiibwa ekizitowa eky'emirembe n'emirembe;ffe nga tetutunuulira ebirabika, wabula ebitalabika: kunbanga ebirabika bya kiseera; naye ebitalabika bya mirembe na mirembe.**

**Abaruumi 8:18 - “Kubanga ngera ng'okubonaabona okw'omu biro bya kaakati nga tekutuuka kwenkanyaankanya n'ekitiibwa ekigenda okutubikkulirwa ffe.”**

**2 Timoseewo 3:11 - “okuyigganyizibwa kwange, okubonaabona kwange; ebyambeerako mu Antiyokiya, mu Ikoniyo, mu Lusitula; okuyigganyizibwa kwe nnayigganyizibwanga bwe kwali: era Mukama waffe yandokola mu byonna.**

**Zabbuli 34:19 - Ebibonoobono eby'omutuukirivu bye bingi: Naye Mukama amulokola mu byonna.**

Mukama aganya okubonaabona okw'engeri ez'enjawulo okubaawo mu bulamu bwaffe olw'ensonga ez'enjawulo

- Okunyweza n'okukakasa okukkiriza kwaffe mu Kristo.
- Okujulira Yesu Kristo eri ensi
- Okubeera ng'ebyokulabirako eri abala;

**Yakobo 5:10 - “Mutwale ekyokulabirako, ab'oluganda, eky'okubonyaabonyezebwa n'okugumiikiriza, bannabbi abaayogeranga mu linnya Iya Mukama.”**

- Okwefaanaanyiriza Yesu Kristo eyabonaabona;

**1 Peetero 4:12-13 - “Abaagalwa, temwewuunyaaga olw'okwokebwa okuli mu mmwe, okujja gye muli olw'okubakema, ng'abalabye eky'ekitalo:naye, kubanga mussa kimu mu bibonoobono bya Kristo, musanyukenga; era ne mu kubikkulibwa kw'ekitiibwa kye mulyoke musanyuke n'okujaguza.”**

- Okutuyigiriza okugumiikiriza;

**Yakobo 1:2 - “Mulowoozenga byonna okuba essanyu, baganda bange, bwe munaagwanga mu kukemebwa okutali kumu;nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza.”**

Bwe twesanga nga tuli wansi w'okubonaabona tuzuule okwagala kwa Katonda mu kubonaabona okwo;

- Tusabe;

**Yona 2:2 - “N'ayogera nti Nnakaabirira Mukama kubanga nalaba ennaku, N'anziramu; Mu lubuto lw'emagombe nakoowoola; N'owulira eddoboosi lyange.”**

- Twekate ekigambo kya Katonda;

**Zabbuli 119:92 - Singa amateeka go si ge gansanyusa, Nandizikiridde bwe nnabonyaabonyezebwa.**

➤ Tusanyuke;

**1 Peetero 4:12-13 - “Abaagalwa, temwewuunyaaga olw'okwokebwa okuli mu mmwe, okujja gye muli olw'okubakema, ng'abalabye eky'ekitalo:naye, kubanga mussa kimu mu bibonoobono bya Kristo, musanyukenga; era ne mu kubikkulibwa kw'ekitiibwa kye mulyoke musanyuke n'okujaguza.”**

➤ Tuzinganemu amaanyi,

**Ebikolwa By'abatume 14:20-22 - “Naye abayigirizwa bwe baamwetoolola n'ayimirira n'ayingira mu kibuga: ku lunaku olw'okubiri n'agenda ne Balunabba okutuuka e Derube. Bwe baamala okubuulira enjiri mu kibuga ekyo n'okufuula abayigirizwa abangi, ne bakomawo mu Lusitula ne Ikonio ne Antiyokiya,nga banyweza emmeeme z'abayigirizwa, nga bababuulirira okunyiikiriranga mu kukkiriza, era nti olw'okulaba ennaku ennyingi kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.”**

Omulamwa omukulu ogw'okugumira mu kubonaabona, okuyigganyizibwa, n'okulaba ennaku ku Iwa Yesu Kristo kwe kusikira obwa kabaka bwa Katonda nti byetuyitamu tebis inga kitiibwa kiri eky'obwakabaka bwe.

**Matayo 11:12 - “Okuva ku biro bya Yokaana Omubatiza okutuusa leero obwakabaka obw'omu ggulu buwaguzibwa, n'abawaguza babunyaga Iwa maanyi.”**

**Vs7-10** Abaweereza ffena tumanye nti essanyu lyaffe liri mu kunywera kw'abakkiriza n'olwekyo tukole kyonna okubanyweza mu kukkiriza nga bwe tulabira ku Mukama waffe Yesu Kristo nti tuli bibala by'akubonaabona kwe.

Bwe tuzuula ekikyabula ku bulamu bw'abakkiriza /ab'oluganda tusabe Mukama atuwe obusobozi okubajjuuliriza mu buli kibabulako. Kino kisoboka bwe tuba nga tumanyi amaanyi n'obunafu bw'abakkiriza.